**335/1**
**LUGANDA**
**Paper 1**
**2024**

**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**

**Uganda Certificate of Education**

LUGANDA

**Olupapula olusooka**
Okuwandiika emboozi n'okukyusa

# *SCORING GUIDE*

SAMPLE

*© 2024 Uganda National Examinations Board*

# 335/1 Luganda Scoring Guide   Sample Paper

a) Omuyizi awandiike emboozi eyogera ku bintu nga bino:
   - Okumuwemula
   - Okumukwana
   - Okumwesittaza nga bamukwatakwatako
   - Okubulwa ssente
   - Okukwatibwa endwadde eziva ku bugyama
   - Obutafuna kyakulabirako kirungi (bamuwabya)
   - Obutafuna budde busoma bitabo
   - Okuwulira emboozi z'abakulu
   - Okulogebwa

Omuyizi alage engeri endala nga zino wammanga, gye bayinza okufunamu ebisale by'essomero.

   - Okusiikira awaka ebyokulya ne bitwalibwa mu maduuka
   - Okuluka
   - Okufumba ebyokulya nga keeki
   - Okupoota
   - Okusomba amazzi
   - Okulima
   - Okufuna edduuka ne bava mu katale
   - n'ebirala

b) Omuyizi ayinza okuwandiika ebbaluwa oba okwogera (speech).
   Asobola okwogera ku bino:
   - Okuzannya emizannyo egizannyirwa awafunda okugeza nga *table tennis*, *Badminton*, *chess*, omweso n'ebirala.
   - Okwenyigira mu misinde gimubunabyalo.
   - Okuzannyira mu mpalo. (buli kibiina)
   - Okweyazika ebisaawe byokumuliraano.
   - Okuleeta oba okuyiiya engeri ezenjawulo abaana okubeera nga baliko kye bakola.
   - Okulambula
   - Okunoonyereza
   - Okubateerawo entimbe z'okulabirako emizannyo.
   - Okuzannya katemba ko n'okuzina amazina ag'enjawulo.
   - Nebirala

SAMPLE

| S/N | Eby'okugolola | Obubonero |
|---|---|---|
| 1 | Endabika y'ekiwandiiko.<br>• Omutwe<br>• Enyanjula<br>• Enzimba<br>• Enkomenkereza | 04 |
| 2 | Obubaka obutuukana n'omulamwa. (message/relevance) | 08 |
| 3 | Olulimi<br>• Gulaama<br>• Ebiseera(tenses)<br>• *Punctuation*<br>• Ensengeka<br>• *Orthograph* | 08 |

2. Omuyizi asome ekitundu akikyuse mu Luganda okufaananako nga kino:

Okwejalabya mu mikolo gy'okwanjula.

Mu Buganda, omukolo gw'okwanjula ogwabeeranga omwangungu era ogwagendereranga okugatta ab'omu maka abiri awamu, gugenze gukyuka mpola ne gufuuka ogw'okweraga obwerazi. Kati mukolo gwa bbeeyi ku ludda lw'omugole omukazi ate ne ku ludda lw'omusajja. Abazadde b'omuwala bateekwa okwetegekera abagenyi abayitirivu, nga bategeka ebyokulya, awookutuula, okutimba ate era n'okwambaza omugole, nga bino byonna bifuula omukolo ogw'ebbeeyi.

Waliwo n'abasajja abeewola ensimbi mu bbanka nga kw'otadde n'okusonda mu mikwano gyabwe ensimbi mbu basobole okuddugaza oluggya lw'aboomuwala n'ebirabo ebingi. Obadde okimanyi nti waliyo n'abasajja abeeyazika ebirabo nga emmotoka mu bakitunzi baazo olw'okwagala okweraga era olumaliriza emikolo ne babinonayo ew'aboomuwala ne babizzaayo! Ennaku zino, omusajja atwala ebirabo ebingi asanyukirwa nnyo naye oyo atwala ebitono anyoomebwa, n'ajeregebwa n'oluusi afuuliibwa ggulire.

Katikkiro wa Buganda avumirira okwejalabya. Awa abantu amagezi okukendeeza ku nsasaanya etaliimu makulu era n'abawa ga bwereere basige ensimbi mu bintu ebivaamu amagoba. Akubiriza abantu okukendeeza ku bungi bw'abantu abawerekera omusajja ayanjulwa era n'abasaba okudda ku ntegeka y'omukolo gw'okwanjula ogw'ennono mu Buganda.
Ebyokugoberera mu kugolola.

Okukyusa (Translation)

SAMPLE

| S/N | Engeri y'ebiddiddwamu (Response details) | Obubonero |
|---|---|---|
| 1 | Obubaka (Referential meaning) = (Obubonero 06)<br>Engabanya yaabwo:<br>Ekiba ekisooka<br>• Aggyeeyo obubaka bwonna<br>• Alesseeyo obubaka obumu<br>• Taggyeyo bubaka n'akamu | <br><br><br>• Obubonero 02<br>• Akabonero 01<br>• Akabonero 00 |
| | Ekiba ekykubiri:<br>• Aggyeeyo obubaka bwonna<br>• Aleseeyo obubaka obumu<br>• Taggyeyo bubaka n'akamu | <br>• Obubonero 02<br>• Akabonero 01<br>• Akabonero 00 |
| | Ekiba ekyokusatu:<br>• Aggyeeyo obubaka bwonna<br>• Aleseeyo obubaka obumu<br>• Taggyeyo bubaka n'akamu | <br>• Obubonero 02<br>• Obubonero 01<br>• Akabonero 00 |
| 2 | Olulimi n'entegeka yaalwo mu kitundu ekikyuse (organisational meaning)<br>• Akozesa olulimi (grammar and spelling) mu butuufu bwalwo<br>• Awamu akozesezzaako bibiri byokka mu butuufu<br>• Awamu akozesezzaako kimu kyokka mu butuufu<br>• Alemereddwa okukozesa olulimi mu butuufu bwalwo. | <br>• Obubonero 03<br>• Obubonero 02<br>• Akabonero 01<br>• Akabonero 00 |
| | • Akozeseza ebigambo ebituukira ku kyogerwako (terminologies)<br>• Awamu ebigambo ebituukira ku kyogerwako tabikozesezza | • Obubonero 02<br>• Akabonero 01 |
| 3 | Embeera y'ekikyuse (situational meaning)<br>Obutuukirivu bw'embeera ekikyuse gye kirimu; okugeza bye kyogerako, abantu abalimu, emyaka gyabwe/obukulu bwabwe, obuvunaanyizibwa,ebyobuwangwa bye kyoleka.<br>• Aggyeyo bulungi embeera<br>• Awamu embeera tagiggyeyo ddala<br>• Embera teviriddeyo ddala | <br><br><br><br><br>• Obubonero 02<br>• Akabonero 01<br>• Akabonero 00 |
| 4 | Ensengeka (coherence)<br>Ebiba byonna bitwalire wamu.<br>• Asengese bulungi ebiba byonna<br>• Asengese nga abitabuddetabudde | <br><br>• Akabonero 01<br>• Akabonero 00 |

SAMPLE

SAMPLE